# ENDAGIRIRO Y'OKUTEEKAYO AKAWETA K'OMUBUKYALA



Naaba engalo zo ne ssabuuni era ozikaze nakagoye akayonjo.



Funa engeri esinga obutakalubiriza gyoli okuteekayo akaweta.



Kwata akaweta okanyige kegatte okuva kunjuyi z'aako. Oyinza okukisanga nga kyangu okuteekayo akaweta ng'okawese mu nkula ya nnamba 8.



Weyambise omukono gwo omulala okukwata n'okubikkula omubiri ogwetoolodde obukyala bwo.



Teeka akasongezo kakaweta mu mumwa gw'obukyala ate okozese olugalo lwo okusindika akaweta akanyigiddwa mpolampola munda mu bukyala bwo.



Kasindike okutuukira ddala munda nga bwosobola. Singa owulira nga akaweta akakuwa obuzibu , kino kiyinza okutegeeza nti tokayingizza kimala munda mu bukyala bwo. Weyambise olugalo lwo okusindika akaweta waggulu ate wala ddala nga bw'osobola munda mu bukyala



Akaweta kati kalina okuba nga kali waggulu ddala mu bukyala bwo . Naaba engalo zo ng'omaze. Bw'ofuna obuzibu, tuukkirira kirinika oba jjangu ofune okuyambibwa.

# OBUBAKA OBUKULU



**Leka akaweta nga katekeddwa mu bukyala, olunaku lwonna, buli lunaku:** Akaweta kateekwa okuba nga katekeddwa mu bukyala obudde bwonna kino kitwaliramu ng'oli mu nsonga, ng'onaaba ne mukwegatta.




**Singa akaweta kavaayo oba nga kagyidwaayo:**

**Awantu awayonjo:** Gezaako okuddamu okukateekayo amangu ddala nga bwekisoboka. Naaza akaweta mu mazzi amayonjo ate ogoberere endagiriro y'okukatekayo ku luuyi olulala ku lupapula luno.

**Awantu awakyaafu** (okugeza nga mu kabuyonjo oba muttaka): TODDAMU kuteekayo kaweta. Mpozzi, kateeke mu kasawo akakuwereddwa era otuukirire kirinika amangu ddala nga bwekisoboka.

**Okuteekayo akalala:** Oluvannyuma lwa wiiki nga nnya, akaweta kalina okugyibwaayo era newatekebwaayo akaweta akapya.







**Weewale:** Abakyala balina bulikiseera okwewala okukozesa amazzi agalimu eddagala erilongoosa munda mu bukyala(douches),sabuuni, oba ebintu ebirala ebirimu sabuni era n'eddagala egganda munda mu bukyala.Bw'oba ng'okozesa akaweta,okukozesa ebintu ebirala(devices) ebitekebwa mubukyala nakyo tekikirizibwa.Ebintu ebimu eby'omubukyala nga amazzi agaseereza, obupiira bukalimpitawa ne tampuni bisobola okukozesebwa.Yogera n'abasawo mu kunoonyereza nga tonnakozesa kintu kyonna kitekebwa mu bukyala

**Togabana:** Togabana kawekatako n'abakyaala abalala






**Entereka:** Obuweta obukozeseddwa n'obukyaafu bulina okuterekebwa nga busabikiddwa mu kasawo akeeru akakuweebwa. Tereka akaweta kotanakozesa mu kisabika kyako okutuusa nga wetaaze okukakozesa.Totereka kaweta kakozeseddwa oba akatali kakozese mu firigi oba mukasana.Katereke abaana ne bisolo byawaka webitasobola kutuuka.

**Entambuza:** Leetanga obuweta bwonna obukozeseddwa n'obuweta obutali bukozese ku kirinika. Mu ntambula, kuuma obuweta bwo ng'oli nabwo obudde bwonna okwewala okubula.






**Ebibuuzo oba ensonga:** Omusawo w'okunoonyereza waali wano okukuyamba. Mwattu tutuukirire wakati mu nkyala bwoba n'ebibuuzo oba ensonga.